ENTEGEKA YA KATONDA ENYANGU EY'OBULOKOZI

Mukwano gwange: ndikukubuuza ekibuuzo ekikulu eky'obulamu. Esanyu lyo ery' emirembe n'emirembe, n'enaku yo ey'emirembe n'emirembe bisinziira ku nziramu yo. Ekibuuzo kiri nti: Oli mulokole? Okakasa nti ojakugenda mu gulu bwonoofa?

Katonda agamba nti engeri j'oyinza okugenderamu mu gulu, kwe kuzaalibwa omulundi ogwokubiri. Mu Yokaana 3:7, Yesu yagambaNikodemo nti : "oteekwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri".

Mu bayibuli Katonda atuwa entegeka ey'okuzaalibwa omulundi ogwokubiri, ekitegeeza: okulokoka. Entegeka Yye nyangu! Oyinza okulokolebwa lero. Otya? Ekisooka , mukwano gwange, olina okumanya nti oli mwonoonyi. "Kubanga abantu bonna bayonoona ne basubwa ekitiibwa Katonda kyeyabatekeratekera" (Abaruumi 3:23).

Kubanga oli mwonoonyi, osalidwa omusango ogw'okufa . "Kubanga (omuganyo) empera y'ekibi kwe kufa" (Abaruumi 6:23). Kino kirimu okwawu ibwa ku Katonda emirembe n'emirembe mu Geyena.

"Ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi gumu n'oluvannyuma okusalirwa omusango ne 'kutuuka" (Abaebulaniya 9:27) .

Naye Katonda y'akwagala nyo nyini, n 'awaayo omwana we omu yeka ey'azalibwa, Yesu, okwetika ekibi kyo n'okufa mu kifo kyo.

"Kubanga Katonda yaqdira Kristo ataalina kibi kyona, n'amujjuza ebibi byaffe ... tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda" (1 Abakkolinso 5:21).

Yesu yali alina okuyiwa omusaayi gwe n'okufa. "Obulamu bw'omubiri buli mu musaayi" (Abalevi 17:11). " ... era bwe bataayiwanga musaayi, tewaabangawo kusonyiyibwa bibi" (Abaebulaniya 9:22).

" ... Katonda yalaga okwagala kwe okw'ekitalo kw'atwagalamu, bwe yatuma Kristo okutufiirira ffe aboonoonyi" (Abaruumi 5:8).

Newankubade nga tetutegeera ngeri kyi, Katonda yagamba nti ebibi byange n'ebibi b'yo b'yasibwa ku Yesu era naafa mu kifo kya ffe. Ye yafuuka ekizibwaawo mu kifo ky'ekirala (omutaango). Kino ky'amazima. Katonda tasobola kulimba.

Mukwano gwange, "Katonda ... kakaati abalagira mwena okuleka ebyo byona ebitali bya Katonda (okwenenya)" (Ebikolwa 17:30).

Okwenenya kuno, kwe kukyusa endowooza n'olyoka okiriza wamu ne Katonda nti oli mwonoonyi, era nate n'okirizinganya n'ekyo Yesu kyeyakola ku musalaba.

Mu'Bikolwa 16:30-31, omukuumi w'ekkomera yabuuza Pawulo ne Siira nti: "Bassebo nkole kyi okulokolebwa?' Ne bamugamba nti, 'kiriza Mukama waffe Yesu onoolokolebwa...".

Kiriza bukiriza mu Yye nga ye'yetika ekibi kyo, eyafa mu kifo kyo, yazikibwa era yeye Katonda gwe yazukiza. Okuzukizibwa kwe kukakasa n'amaanyi nti omukiriza ayinza okwetwalira obulamu obutaligwawo, Yesu bwaba asembezebwa ng'omulokozi.

"Abo abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, era n'abo abakiriza mu linya lye" (Yokaana 1:12).

"Buli yenna alikoowoola erinya Iya Mukama alirokolebwa" (Abaruumi 10:13).

Buli muntu yenna, nawe kwoli. Analokolebwa,- tekitegeeza ob'olyawo, oba kyandisoboka, naye: Ojakulokolebwa.

Mazima okikakasa nti oli mwonoonyi? Mukiseera kino, wano wooli, nga wenenya yimusa omutima gwo eri Katonda mu kusaba.

MuLukka 18:13, omwonoonyi yasaba: "Katonda onsaasire, nze omwonoonyi". Saba no: "Ayi Katonda, nkyimanyi nti ndi mwonoonyi. Nzikiriza nti Yesu yatekebwa mu kifo kyange eky'okufa bwe yafa ku musalaba. Nzikiriza nti omusaayi gwe ogwayiika, n'okufa kwe, okuziikibwa n'okuzukira kwe byali bya ku lwange. Kakano musembeza nga omulokozi wange. Nkwebaza olw'okusonyiyibwa kw'ebibi, ekirabo ky'obulokozi n'obulamu obutaligwaawo ku Iw'ekisa kyo ekijudde okusasira. Amina".

Kiriza Katonda by'agamba mu kigambo kye, era twala obulokozi ng'oyita mu kukiriza. kiriza era oja kulokolebwa. Tewali kanisa, oba sabo, oba mirimu mirungi egisobola okukulokola. Jukira, Katonda yaakola

obulokozi bwona bwona.

Entegeka ya Katonda enyaangu ey'obulokozi yeeno: Oli mwonoonyi. Nolwekyo, mpozi nga okiriza Yesu eyafa mukifo kyo, oja kumala emirembe n'emirembe mu Geyena. Singa omukiriziramu nga, ye wuwo, eya komererwa, eya ziikibwa era Omulokozi eya zuukira, oja kufuna okusonyiyibwa okw'ebibi byo byona, era oja kufuna ekirabo kye eky'obulamu obutaligwawo ekiyita mu kukiriza. Oyinza okugamba: "dala tekiyinza kubera kyangu bwe kityo! Kino ebya wandikibwa bye kigamba. Eno y'entegeka ya Katonda. Mukwano gwange, kirizira mu Yesu era musembeze olwa lero ng'omulokozi.

Singa entegeka Ye eba nga teyeraze kimala, damu osome akatabo kano, tokasa wansi paka lwon'okitegera . Oinwoyo gwo gwa muwendo okusinga ensi yona.

"Kubanga kigasa kyi omuntu okufuna ensi yona, naye nga abuziza omwoyo gwe?" (Mako 8:36).

Bera ng'okakasa nti oli mulokole. Bw'obuza omwoyo gwo, ofiirwa egulu era n'obulwa byona. Nkwegayirede! Leka Katonda akulokole mukaseera kano.

Amaanyi ga Katonda gaja ku kulokola, gaja ku kukuuma ng'oli mulokole, era gakusobozese okubera n'obulamu obuwanguzi obw'ekikulisitayo. "Buli kikemo ekibatuukako mujjukire nti ky'ekyo ekituuka ku buli muntu. Kyokka mwesige Katonda taabalekenga kutukibwako 'bikemo bye mutayinza kugumira . Era anaabasobozesanga okubigumira, n'abalaga n'ekkubo ery'okubiwangula" (1 Abakolinso 10:13).

Tewesiga bilowozo byo. Byo bikyuka. Yimirira ku bisuubizo bya Katonda. Byo tebikyuka. Bwoba omaze okulokoka, eriyo ebintu 'bisatu byolina okwemanyiriza buli lunaku ku lw'enkula y'omwooyo: Sabayogera ne Katonda. Soma Baibuli yoKatonda ayogera naawe. Julira - yogera mu kifo kya Katonda.

Kikwetaagisa okubatizibwa nga ogondera Mukama Yesu Kristo nga bwe bujulizi bwo obw'olwaatu obw'obulokozi, ate wegate ku kanisa ekiriza Baibuli awatali kulwa.

"N'olwekyo tokwatibwa nsonyi okwogera ku bya Mukama waffe, wadde ku nze omusibe we" (1 Timosewo 1:8).

"Buli muntu alikkiriza mu maaso g'abantu nti ndi mukwano gwe, nange ngeenda kumuyita mukwano gwange mu maaso ga Kitange ali mu ggulu" (Matayo 10:32).

Copyright: Lifegate Inc., 2007